

»Engeri esinga ey'okuterekamu ensigo«

»Engeri esinga ey'okuterekamu ensigo«

Ensigo kyekimu kubisinga omugaso kubiteebwaamu mukulima. Okuzitereka obulungi kizifuula ennamu okumala ekiseera kiwanvu.

Mukuterekama ensigo, kakasa nti oziwa embeera esinga ey'okuzitereka.

Ekisinga okubeera eky'omugaso kwekuba nti ensigo tezifuna mazzi, empewo, ebugumu, n'ekitangaala kubanga enkwatagana yabino byonna ereetera ensigo okumera. Ebugumu erisaanide okuterekamu ensigo lyakipimo okuva ku 0 okutuusa ku 10degrees celcius.

Obuwangaazi bwensigo

Ensigo bwezifuna empewo olyo obuwangaazi bwaazo bukendeera n'olwekyo funa omukebe ogutayitamu mpewo ozisibiremu.

Okumera kwensigo kukendeera oluvanyuma lw'ekiseera okuyitawo wadde nga ensigo ezimu zanguwa okukedeera kubuwangaazi bwazo okusinga kunddala. Ensigo ezimu tezaagala kuzitereka era teziwangalirako ddala. okugeza, esigo eza chives, katunguluccumu, leek, turnip n'obutungulu. Ensigo ezimu ziyina obuwangaazi bwa myaaka 2 ku 3 bweziba ziterekedwa mumbeera ennungi. okugeza, kaloti, celery, kasooli, fennel, spinach.

Ensigo ezimu ziwangaala ebanga lya myaaka 4 ku 5 okugeza, ebijanjaalo, lettuce, pea, kamulali, radish, chard.

Ebimera ebiwangaala okusukka emyaaka 5 mulimu, ekirime kya cole, cucumber, bbiringanya, mellons, ennyannya, ensuju ne squash.

Obukodyo mukuterekama ensigo

Funa enkola ekukolera okusinziira kukika ky'ensigo z'olina era n'obungi bw'azo.

Kakasa nti olamba ensigo zo n'obubaka bungi nga bwejisoboka.

Gunjaawo enkola gy'okozesa era okyuusekyuuse ensigo zo buli makungula kwekugamba, kozesa ensigo enkadde nga tonakozesa mpya.